



Woofisi y'Oumubaka wa Ssaabasajja mu UK & Ireland

Ekutuusaako

EKYEGGULO KYA BUGANDA (UK) 2025

Okwekulakulanya ku mawanga nga tuyita mu kubeera Obumu



9TH ANNUAL GRAND DINNER & DANCE

15th November 2025

Vermillion

Lord North Street, Hulme Hall Lane

Manchester M40 8AD



contact@bugandauk.com



www.bugandauk.com



HOME IS WHERE YOU INVEST

Get the financial backing to build your dream home, invest in rental properties or buy land in Uganda at **low interest rates.**



✓ Mortgage Loan

✓ Equity Release Loan

✓ Construction Loan

✓ Plot Purchase Loan

PLOT 32

Email ugandans.abroad@equitybank.co.ug to apply

Equity Bank Uganda Limited: Plot 34 Church House, Kampala Road | P.O. Box 10184 Kampala | info@equitybank.co.ug | <http://equitygroup.co.ug>
 0800 222 700 | Live Chat Link: <https://equity-ug.co.uk>
 Equity Bank Uganda Limited is regulated by the Bank of Uganda, Company Number: 152171. Customer deposits are protected by the Deposit Protection Fund of Uganda up to USD 10 Million. Terms and Conditions apply.

EQUITY

LontexCargo

By Air & Sea, Worldwide

T/A Salabed



WORLDWIDE SEA & AIR FREIGHT FORWARDING

OFFERING

- 2-3 Weekly Air & Sea cargo dispatches
- Professional Packaging
- Insurance on Request
- Online Cargo Tracking
- Full container loads shipped
- Procurement Services
- Roll on Roll off Vehicles Shipping
- Inland Haulage
- 30 years Experience
- All round good value for money services

LONDON HEAD OFFICE
 2A THAMES ROAD
 BARKING
 IG11 0HZ

CONTACT US
02088844060

IATA **ISO**

www.lontexcargo.com Email: info@salabed.co.uk
 Follow us: [Lontex Cargo](https://www.facebook.com/LontexCargo) [@lontexcargo](https://www.instagram.com/lontexcargo)

Goldtech Care

Enabling Extra Ordinary Lives



Now Operating in your Area at Affordable Prices

OUR MISSION

Provision of High Quality Care Service Guided by Adaptation and Individualism.

ABOUT US

Goldtech Care is a dedicated care agency that provides organised, competent, and professional home care services. The company is founded and led by Carers with more than five years' experience, who are accredited in the management, improvement and delivery of care services.

OUR SERVICES

- Personal Care
- Respite Care
- Dementia Care
- Companionship
- Autism & Epilepsy Care for Adults
- Palliative and/or end of Life Care
- Live-in Care

07932 909 346

**SEND BUSINESS CENTRE, 4 TANNERY HOUSE
 TANNERY LANE, SEND, WOKING GU23 7EF**

[f](https://www.facebook.com/goldtechcare) [t](https://www.twitter.com/goldtechcare) [i](https://www.instagram.com/goldtechcare) **Goldtech Care** www.goldtechcare.co.uk

RAP & SONS LIMITED

Home At Peace

T CRIBB & SONS

PARTNERSHIP WITH

RAP & SONS LTD UK




OUR SERVICES

- ✓ Traditional Burials
- ✓ Cremations
- ✓ Private Service Hall
- ✓ Chapel Of Rest
- ✓ Wake Function Room (Okusula Mulumbe)
- ✓ Repatriations

Working with the African community for **40 YEARS**

CONTACT US
0207 4761855
07988 787389

WWW.TCRIBB.CO.UK
WWW.RAPANDSONS.COM

Ebirimu**Olup**

Obubaka bw'Omumyuka Asooka owa Katikkiro Avunaanyizibwa ku Nzirukanya y'Emirimu, Tekinologiya n'Obuyiia	3
Obubaka bwa Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu, Okulambula kwa Kabaka n'Ensonga za Buganda Ebweru	4
Obubaka bwa Omubaka wa Ssaabasajja mu UK & Ireland	5
Obubaka bwa Omukungu Atwala e Bbendobendo lya North of England and the Midlands (Manchester)	7
Olukiiko lw'Omubaka Bbendobendo lya North of England and the Midlands (Manchester)	8
Enteekateeka y'Omukolo	9
Obubaka bw'Omkungu w'eBbendobendo lya North London & South Counties	10
Agafa mu Bbendobendo lya East London, Essex ne East Anglia.	11
Eggulire ku Bbendobendo lya South ne West England	13
Agafa mu Bbendobendo ly'e Scotland	14
Agafa mu Bitongole bya Olukiiko lw'Omubaka wa Kabaka UK ne Ireland	15
Agafa mu Bitongole bya Olukiiko lw'Omubaka wa Kabaka UK ne Ireland	12
Obubaka okuva mu woofisi y'Olukiiko lw'Ababaka b'Abataka mu UK ne Ireland	15
Cabinet y'Obwakabaka bwa Buganda	24
Kabaka Foundation UK and Ireland	25
Obubaka okuva mu woofisi y'Olukiiko lw'Ababaka b'Abataka mu UK ne Ireland	27
Eky'eggulo kya Buganda (UK) 2024	29
Okwejjukanya - Eky'eggulo kya Buganda (UK) 2015 - 2023	30

LEMPFI

Obubaka bw'Omumyuka Asooka owa Katikkiro Avunaanyizibwa ku Nzirukanya y'Emirimu, Tekinologiya n'Obuyiia



Mbalamusizza abantu ba Kabaka mwenna.

Nsubira abantu ba Ssaabasajja Kabaka abawangaalira e Bunaayira baagendayo nga baagala okusitula ku mbeera zaabwe mu ngeri emu oba endala era buli omu yajja e Bulaya mu ngeri ye. Twebaza Ssaabasajja Kabaka nti wadde guli bwegutyo abasinga obungi abakuhhaanye olwaleero, tusobola okusisinkana ng'abaana ab'enda emu wansi w'obukulembeze bw'Essaza lino erya Bungereza ne Ireland erikulemberwa Omubaka wa Ssaabasajja Kabaka Oweek. Ssaalongo Kibuuka Geoffrey ne bakulembeze banne bwe bakola emirimu gya Ssaabasajja Kabaka e Bunaayira eno.

Newankubadde buli omu akola ebintu eby'enjawulo era yajja mu ngeri ye, naye ensonga y'okwekulaakulanya ku Mawanga, mbakubiriza mugikwasize wamu nga muyambagana, mwenna mukulaakulanire wamu.

Bwe muba mukola enteekateeka z'okwekulaakulanya mujjukire n'eka gye musibuka nayo mutekeyo enkulaakulana eza ssekinnoomu ate n'ezawamu. Kino kijja kubayamba okunyweza emirandira eka ku butaka ate nga n'eno e Bunaayira muyimiridde bulungi.

Enteekateeka yammwe ey'Ekyeggulo eya buli mwaka mbasaba mugijumbire nnyo kuba etuukana bulungi n'ensonga Ssemasonga ey'okutaano **"Okunyweza obumu mu bantu ba Ssaabasajja Kabaka"**. Anti wano mukungaana ne mwogera ku nsonga ezibakwatako ne mufuna obubaka okuva Embuga, okuva ebirowoozo byammwe, n'okwanjulirwa enteekateeka z'Essaza ez'omwaka oguddako. Bino byonna byongerera okubakuumira awamu ng'abantu ba Ssaabasajja Kabaka.

Mbaakuutira okunyweza obuwangwa bwammwe buleme kubulira mu bulala obw'eno gye muwangaalira. Kyokka ate muteeke ekitiibwa mu buwangwa bw'abo be muwangala nabo mube n'enkwatagana ennungi musobole okubeerayo mu mirembe.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale!

Prof. Twaha Kaawaase (PhD)

Omumyuka Asooka owa Katikkiro era Minisita Avunaanyizibwa ku Nzirukanya y'Emirimu, Tekinologiya n'Obuyiia.



Obubaka bwa Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu, Okulambula kwa Kabaka n'Ensonga za Buganda Ebweru

A bantu ba Ssaabasajja Kabaka ababeera e Bungereza mbalamusizza nnyo nnyini ddala. Mbeebaza emirimo gye mukola.

Njagala mu ngeri ey'enjawulo, okwebaza ennyo Oweek. Ssaalongo Kibuuka Geoffrey n'olukiiko lwe ssaako enkiiko za Ggombolola ezikola essaza olw'okuweereza Ssaabasajja Kabaka n'obuvumu era mu bwesimbu n'okunnyikiza okukunga abantu ba Ssaabasajja Kabaka mu ngeri ey'omuggundu. Tukimanyi nti ssikyangu okukulembera abantu ababeera e Bunaayira anti bangi ebibayitako kyokka olw'embeera y'abalabe ba Buganda ab'enjawulo n'enkzesa y'amutimbagano enkyamu ne beesanga nga babuuliddwa obulimba.

Abantu ba Ssaabasajja Kabaka, mbasaba okunyweza obumu. Obumu bujja kweyolekera nnyo mu ngeri gye tunaayambagana mu bwetaavu obw'enkulaakulana, obw'essanyu n'obwokusoomoozebwa. Obumu bwaffe bwe bijja okutusomosa amayengo, olwo tuwangule abalabe baffe betumanyi ne betutasuubira.

Mbajjukiza buli muntu okwenyigira mu kuwanirira ebikolebwa mu Bwakabaka ng'otoola ensimbi okugula satifikeeti mu nkola ya Luwalo Lwaffe. Ssinga buli muntu kino akikola nga bwaboneekereza "Tip" ababakolera emirimo egyenjawulo, tujja kutuuka kubwa naggwano.

Abantu ba Ssaabasajja Kabaka nnyongerera okubategeeza nti; Kabaka asimira abantu be enzizi mu bitundu by 'Obwakabaka ebitawaanyizibwa ennyo ekyeya! Twasaba buli Ssaza ly'Ebweru okusondayo oluzzi waakiri lumu lwa ddoola kakaaga (\$6000). Tusuubira Essaza Bungereza okukola ekisaana.

Tubakubiriza okwettanira amawulire amatongole era amatuufu agasangibwa ku mitimbagano gy'Obwakabaka emitongole. Twebaza Omubaka n'olukiikolwe abaayunga obutereevu omukutu gw'Essaza ku website y'Obwakabaka ne kibayamba okufuna amangu obubaka. Twongerera okubalabula nti; ensangi zino, abalabe baffe bayitidde mu mitimbagano mu kaweeefube waabwe ow'okusaanyawo Obwakabaka. Awo nno mubeerinde ate mubangange mu mu ngeri ya bugunjufu.

Twongerera okubakuutira obutaganyanga bibawugula kuva ku Kabaka ne Gavumenti ye.

Nziramu okubeebaza okujjumbira enteekateeka y'ekijjulo kya Buganda.

Nneebaza Rev. Enock Mayanja Kayaga n'olukiiko lwa Ggombolola Manchester olw'enteekateeka ennungi.

Nneebaza nnyo mwenna abeetabye ku mukolo guno



n'abavujjirizi. Mbaagaliza okusanyukira mu nteekateeka eno obulungi leero ne bulijjo.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale!...ng'Enkumbi ku Bbega!.

Joseph Kawuki

Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu, Okulambula kwa Kabaka n'Ensonga za Buganda Ebweru

Walusimbi's

Health ils

Natural Cure for Chronic Diseases

Sesame Seed Oil | Black Seed Oil |
Flax (Lin) Seed Oil | Pumpkin Seed Oil



Richard Walusimbi Msc Organic Chemistry
Dip. Alternative Medicine
Tel: +44(O) 744 853 5580

Obubaka bw'Omubaka wa Ssaabasajja mu UK & Ireland



Nina essanyu okubaaniriza mwenna abavudde okumpi n'ewala okuba nga muzze ku kijjulo kino eky'e-byafaayo. Kansooke okwaniriza omumyuka wa Katikkiro wa Buganda Asooka, Owekitiibwa Prof Twaha Kaawaase n'okumwebaza okuba nga yakkiriza okutwegattako ku Kyeggulo kyaffe ekyo'mwaka guno. Nyaniriza abalangira n'abambejja, abakulembeze b'enzikiriza ez'enjawulo omuli; Abakristaayo, Abakulisitu, Abayisiraamu, Aba advent, Abapentekooti n'abatalina nzikiriza.

Nyongera okwaniriza abaami ba Ssaabasajja ku mitendera gyonna – Oweek. Ronald Lutaaya, Abamyuka, Abakungu, Abaami ku mabendobendo n'ab'emiruka, Ababaka b'Abataka, abakiise okuva mu Kabaka Foundation, n'abakulembeze b'Eksaakate kya Nnabagereka mu Bulaaya.

Nyaniriza ne sanyu lingi ddala abantu ba Ssaabasajja ne mikwano gya Buganda okuva munsu zonna n'amawanga ga Uganda amalala, abuvudde mu ssaza lino naabo abavudde ebweru wa Bungereza ne Ireland. Banaffe tubaniriza nnyo nnyini ddala! Mbebaza okutweggatako. Okubeerawo kwamwe kwongera okukasa n'okunyweeza obumu bwaffe. Ekyeggulo kino kya byafaayo olw'ensonga ssatu: Esooka, ky'ekyeggulo kya Buganda mu Ssaza lyaffe lino ekisoose okutegekebwa ebweru w'ekibuga London, kino kituwadde omukisa okusisinkana abantu ba Ssaabasajja abawangaalira mu kitundu kino naye nga bakalubirirwa okugenda ku mikolo mu London. Eky'okubiri, kye kijjulo ekisoose okumala enna-ku ssatu nambirira kasokanga Kyeggulo kitandika mu 2015. Enkola eno egaziyiziddwa etuwa omukisa si kujaguzwa kwokka wabula n'okwenyigira mu mbooji ez'amakulu, okwongera okumanyigana, n'okunyweza enkolagana ezitugatta.

Eky'okusatu, kino kye kijjulo ekisoose okubeera n'omu ku ba Ssabaminista nga omugenye omukulu. Twesiimye nnyo okuba nga ali naffe akawungeezi ka leero.

Bwe tutunuulira omwaka oguwedde, tulina bingi byetwenyumirizaamu ebibaddewo wadde mubaddemu n'okusoomozebwa mu birala. Munzikirize nokoleyo ebimu ku byo:

Tabamiruka eyasooka mu Bulaaya: Olukunnyaana lwa Buganda Bumu European Convention (BBECO), lwatuula mu kibuga Edmonton ekiri mu Bendobendo lya North London ne Lower Midlands. Omukolo guno ogw'byafaayo gwaliko Katikkiro wa Buganda, Oweek Charles Peter Mayiga; ab'ebitiibwa baminista abasoba mu musanvu n'abakungu abakulira ebitongole by'obwa Kabaka bangi. Olukungaana luno lwe lwasooka ku semazinga wa Bulaaya okugatta abantu ba Ssababasajja okuva mu masaza gonsatatule agali ku semazinga wa Bulaya; omuli erya Bungereza, Scandanavia ne Rhinlands. Twenyumiriza okuba nga ffe twalya empaga okutekateka omukolo guno ogujja okubeerangawo buli luvanyuma lwa myaka ebiri.

Buganda Bereavement Fund (BBF): Mu Gatonya (January) w'omwaka guno 2025, ekibiina kya Buganda Bereavement Fund (BBF) kyatandika emirimu gyaakyo, nga kati kirina bamemba abasoba mu 1,200. Wadde nga kya nakku nnyo nti bannaffe bana (4) baatugenzeeko mu kiseera kino, tusobodde okukungubaga n'abantu babwe mukiseera ekizibu kye babadde bayitamu. Twebaza bannakibiina ba BBF nga bayita mu kibiina kino basobodde okutoola £9000.00 eziweebwa buli family ya munnakibiina abeera atugenzeeko, okuyamba kunteekateeka z'okuwerekera bannakibiina bannaffe. Kino tukyenyumirizaamu nnyo okulaba nti abantu baffe naddala abo bannakibiina tebakyelalikirira singa omu ku bbo Mukama aba amuyise. Mu nkola eno, munnakibiina aba amanyi nti bwava mu bulamu bw'ensi eno, family ye tejjja kubeera yokka mu kukungubaga ne mu byensimbi. Kale awo nkubiriza bannaffe abatanegatta ku kibina kino bafube bakyegatteko.

Abakyala: Ekitongole kyaffe eky'abakyala kyakuza olunaku lw'abakyala mu nsi yonna (International Women's Day). Omukolo gwakunnyaanya abantu ba Ssaabasajja ne mikwano gyaabwe abaassukka mu 300. Omukolo guno gwaali mu Kkanisa ya St Jude ne St Aidan's e Thornton Heath mu South London. Omukolo guno gwagatta abakyala n'abawala okuva mu mbeera ez'enjawulo, baayogera ku bibakwaatako, baasanyuka era obumu bweyongera n'okwenyumiriza mu buwangwa bwabwe.

Okutuuzza abaami be Miruka: Ebbendobendo lya South ne West England (SWEB) lyatuuzza abaami b'emiruka abasookera ddala mu Ssaza lyaffe era gwe mukolo ogwasooka mu semazinga wa Bulaaya. Omukolo guno gwali Feltham mu Muluka gwa Kingston ne Richmond mu West London era gwaliko abantu abaassukka mu bikumi ebibiri mu atano.

Nasanyuka nnyo okulaba nti waliwo abantu bangi mu kitundu ekyo bulijjo abatatera kujja mu mikolo gya Buganda nga bajjumbidde omukolo guno era ne wano leero webali. Ab'emiruka tubaagaliza obuwereza obulungi. Nebaza omumyuka n'abaami beyakola nabo okuteekateeka omukolo ogwali omulungi ate omunyuvu ennyo.

Kabaka Birthday Run: Emisinde gy'amazaalibwa ga Kabaka gyateekebwatera mu Crystal Palace Park mu bbendobendo lya South ne West England. Emisinde gino gyaleta abantu bangi nnyo abasoba mu 500; omwali abantu ba Ssaabasajja ne mikwano gyaabwe okuva mu mawanga agenjawulo. Kino kyayongeraga okuggumiza obumu n'obwa seruganda mu Ssaza lyaffe. Abavubuka bangi bajjumbira era ekyo kyakwenyumirizamu nnyo. Emisinde gyatwaala olunaku lulamba. Tusiima nyo ekibiina kya basawo (Uganda Nurses and Midwives Association) abaaleeta ensiisira y'ebyobulamu okukebera n'okuwa amagezi ku ndwadde ezitali zimu. Neebaza omumyuka eyakulembera olutabaalo luno, abaami b'ebendobendo lya South ne West England, abakungu n'abaami okuva mu Ssaza lyonna abenyigira mu kuteekateeka emisinde gino.

Kabaka Foundation: Twafuuna omukisa omulangira Junju Kiweewa bweyakiriza nabeera naffe nga omugenyi omukulu mu kutongoza ekibiina kya Kabaka Foundation (UK) n'olukiiko olukulembeze ku mukolo ogwali mu President's Hotel mu kibuga London. Njoozayooza Ssenkulu n'abawereza abaasimibwa Beene okukulembera n'okuwereza ku lukiiko olwo era tubaagaliza buwanguzi.

Ekisaakate kya Nnabagereka: Abakulembeze b'ekisaakaate baatekateeka omusomo gw'abaana n'abavubuka ogwali e Morden mu South London nga gwaliko abavubuka abasoba mu 60. Baatendekebwa mu bintu ebikulu mu bulamu, omuli obuwangwa, eby'ensimbi, n'ebyenfuna n'omusingi gw'amaka amalungi. Bino nga bijja kubayamba okufuuka abantu ab'obuvunaanyizibwa mu nsi.

Food Bank: Ekitongole ky'embeera za bantu kyatandika okufuna n'okugabira abantu ba Ssaabasajja emmere n'ebikozesebwa nga kyatandikira mu masinziso; omuzigiti gw'e Pollards Hill, ekanisa ya St Jude Church n'eklezia ya St Chad Church mu South London. Wadde omulimu guno gulimu okusomozebwa mu ngeri ezitali zimu, nebaza abakungu abagutaddemu obudde era nsubira nti gyebujja gujja kutuuka mu mabbendobendo amalala gona.

Okusomezeebwa: Omwaka gwajiramu okusomozebwa. Twafirirwa abantu abaali abawereza mu community zaabwe, okuli Mukungu Caroline Namugabi ne Ambrose Kibuuka n'abalala. BBF yafirirwa bannakibiina abajjuvu bana. Emyoyo gyabwe giwummule mirembe.

Tukyalina okusomozebwa n'oluwalo. Essaza lyaffe terinaggumira ku nsonga eno, ate nga oluwalo lwelutambuza emirimu gya Bbeene. Nsaba buli omu akitwaale ng'obuvunanyizibwa bwe okuwaayo oluwalo buli mwaka

okulaba nga emirimu emirungi Ssaabasajja gyakola gigenda mu maaso nga omwo mwemuli okuyamba abantu abali mu bwetaavu. Newankubadde nga twolekagana n'ebizibu bino, obumalirivu bwaffe bujja kutuyamba okubivvunuka era tujjudde essuubi olw'ebijja mu maaso.

Mu mwaka ogujja, tuteekateeka okutegeka okukuza olunaku lw'abakyala mu nsi yonna ogusubirwa okwaniriza abantu okuva mu bifo bingi ebyenjwulo; okutegeka emisinde egy'amazaalibwa ga Kabaka nga ku luno tujja kuba mu East London. Tusubira okunnyikkiza ensonga ya Twezimbe (okukolera awamu okw'ekulakunya) n'okutandika ku nkola ya "Diaspora Gives Back" (abakugu abali kuno okukozesa obukugu bwaabe okuyamba abali eka) esubiirwa okutandika gye bujja. Nina esuubi nti bwetuba nga tukwatidde wamu tujja kusobola okwongeraga ku luwalo lwetuwereza embuga.


Njagala okwebaza omukungu n'Abaami b'ebendobendo lya Midlands ne Manchester, wamu n'abakungu n'abaami okuva mu mabbendobendo gona abateeseteese omukolo guno ogw'ekitiibwa. Banaffe mwebale nnyo. Nebaza abavujirizi baffe abatatulekera buli lwetuba n'emikolo. Abantu ba Ssaabasajja ne mikwano gyammwe n'abagenyi mwenna abavudde ebuule n'ebweya mwebale kutweggattako leero.

Nga tufumiitiriza ku bituukiddwaako n'okusomozebwa kwetufunye, nina esuubi nti nga tuyita mu mulamwa gwaffe ogwobumu n'okwekulakulanya, tujja kuvvunuka ebitusoomoza tutuuke ku buwanguzi mu byetukola. Tufube okusitula abavubuka baffe, nga tubaagaliza ensi ne nnono yaabwe tusobole okunyweza o'Buganda eyenkya mu Ssaza lyaffe.


Awangaale Ayi Ssaabasajja

Geoffrey Kibuuka

Omubaka wa Ssaabasajja mu UK ne Ireland.



Obubaka bwa Omukungu Atwala e Bbendobendo lya North of England and the Midlands (Manchester)



Ssebo Omumyuka wa Katikkiro Asooka Oweek. Prof. Twaha Kaawaase, Omubaka wa Ssaabasajja mu UK ne Ireland Oweek. Ssaalongo Geoffrey Kibuuka, Abamyuka, Abakungu, Abaami, Abantu ba Ssaabasajja mwena, distinguished guests, friends, and well-wishers.

On behalf of the Bbendobendo of the North of England and the Midlands (Manchester), it gives me great honour and joy to warmly welcome you to this historic **Buganda Dinner (UK) 2025** here in Manchester. This celebration is a special milestone; it is **the very first for Buganda Dinner (UK) to be hosted outside London**. What a privilege that this moment belongs to us!

Before 2015, there was no Bbendobendo or formal Buganda structures outside London. But through the wisdom and visionary leadership of **Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II**, (Ssaabasajja bwali Maasomoogi) His Majesty saw the need to extend the Kingdom's presence and representation to other regions of the United Kingdom. It was in February 2015 that His Majesty appointed me, **Rev. Enock Kiyaga Mayanja**, as the first Deputy Kabaka's Representative for the North of England and the Midlands. Following the Kabaka's instruction, we immediately began the work of establishing a functioning structure by setting up a working committee (Olukiiko lwe Bbendobendo olutuulako abaami ba Kabaka n'abawi b'amagezi). Later that same year, in November 2015, we became the **first Bbendobendo outside London to be officially inaugurated**. At the time, our base was in Manchester, with representation in Liverpool and Leeds.

Since those early beginnings, our Bbendobendo has grown steadily and now extends across multiple cities: **Sheffield, Derby, Coventry, Birmingham, Leicester, Loughborough**, and their

surrounding areas. We are proud to have effective representation in all these communities, proof of the strength and unity of Kabaka's subjects in this area (*Abantu ba Ssaabasajja abawangaalira mu kitundu kino*).

Over the past ten years, our Bbendobendo has achieved remarkable progress in promoting Buganda's culture and unity among Abantu ba Ssaabasajja living in this region. We have successfully organised a Cultural Festival to promote and preserve our heritage, encouraged the use of Luganda through regular community worship, and mobilised contributions towards Etofaali project in support of the Kingdom's development projects.

We have had the great honour of hosting Katikkiro Charles Peter Mayiga twice, and organising a royal dinner graced by the Nnabagereka as Chief Guest. Our community also held a successful Ekisaakaate for children and youth, participated actively in the Kabaka's Birthday Run, and have faithfully contributed towards Oluwalo Lwaffe and other kingdom initiatives.

Beyond these, we have worked to unite Ugandans across the North of England and Midlands, nurturing friendship and cooperation among people from different cities. Along the way, we have discovered and developed new talents and leaders, strengthening our network under the Essaza theme of Unity and Development.

In May 2023, His Majesty graciously renewed my appointment as Deputy Kabaka's Representative for this region. A new committee was subsequently elected and inaugurated by Omubaka Oweek Geoffrey Kibuuka in March 2024 at the Eastern Pearl Banqueting Hall in Manchester.

The Leadership Team

The current committee is a testament to our community's talent, dedication, and love for Buganda.

I take this opportunity to sincerely thank this **dedicated team** in liaison with the Office of Kabaka's Representative in the UK & Ireland for their hard work, commitment, and contribution towards the success of this Buganda Dinner 2025 and the broader mission of our Bbendobendo n'essaza lye UK and Ireland okutwalira awamu.

This dinner is more than a social gathering. It is a celebration of who we are as Baganda, our identity, culture, and unity, wherever we are in the world. To everyone who has played a part, whether through planning, contributions, or attendance, **tweyanzizza nnyo tweyanzege**.

May this evening be filled with joy, pride, and shared purpose.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale!

Rev. Enock Kiyaga Mayanja – Deputy Kabaka's Representative, North of England and Midlands (Manchester) Bbendobendo

Olukiiko lw'Omubaka Bbendobendo lya North of England and the Midlands (Manchester)



Chairman
Muk. Enock Kiyaga Mayanja



Welfare, Sports & Recreation
Mw. Cliff Kyobe-Ssenyonjo



Protocol & Men's Affairs
Mw. Yahyah Kakembo-Ntambi



Vice Chair
Mw. Jaffer Kasule-Gava



Secretary
Mw. Isaac Jakira



Culture
Hajat. Nulu Nakitto



Development
Muky. Ziadah Lutale-Kayongo



Youth
Mw. Lameck Mutesasira



Health:
Dr. Edward Kuteesa Kulumba



Without Portfolio
Muky. Jennifer Nakakande



Without Portfolio
Nnaalongo Ritah Mugerwa
Munyagwa



Representative Birmingham
Mw. Bewaayo Kyingi-Bbosa



Representative Coventry
Mw. Frank Kasibante



Representative Derby
Mw. Joseph Kabanda



Representative Leeds
Hon. Dr. Williams Bukulu



Deputy Representative Leeds
Muky. Mabel Nagujja Ssozi
Kazibwe



Representative Liverpool
Muky. Justine Nakimuli
Kigozi Oloya-Odwongo



Deputy Representative Liverpool
Muky. Kavuma Sylvia Juliet
Kalungi



Representative - Loughborough & Leicester
Muky. Joanne Kalemeera



Representative Sheffield
Pastor Andrew William
Bukenya



Advisor
Mukungu Liz Ricketts
Namutebi

Enteekateeka y'Omukolo

From		To	Programme Item
17:00	-	18:00	Guests Arrival, Registration/Networking
18:00	-	18:15	Arrival of Chief Guest and tour of the stalls.
18:15	-	18:20	MCs welcomes the guest & housekeeping
18:15	-	18:25	British National Anthem - Part 1 Uganda National Anthem - Part 1 Ekitiibwa kya Buganda (Buganda Anthem) – Part 1 & 4
18:25	-	18:30	Opening Prayer
18:30	-	18:35	Musical Interlude
18:35	-	18:45	Speech by Deputy Kabaka's Representative in charge of North of England and Midlands
18:45	-	19:00	Entertainment: Poem/Fashion Show
19:00	-	19:15	Okutuuzza Omukiise ku Lukiko lw'ebbandobendo lya Manchester Speech by Kabaka's Representative in UK & Ireland & Luganda Book reading competition winners.
19:15	-	19:35	Fundraising (Oluwalo Lwaffe); Supporting development initiatives of the Buganda Kingdom by the diaspora.
19:35	-	19:40	Sponsors brief presentations
19:40	-	19:45	Omubaka invites the Chief Guest
19:45	-	20:00	Speech by the First Deputy Katikkiro of Buganda
20:00	-	20:05	Ekitiibwa kya Buganda (Part 5)
20:00	-	20:15	Official Photos Session
20:15	-	21:15	Dinner is Served + Light Entertainment (Saxophone / Nankasa)
21:15	-	00:30	Chief Guest opens the dance floor
00:30	-	01:00	Guests clear venue

Agafa mu Essaza Iya UK ne Ireland

Agafa mu Bbendobendo Iya North London ne South Counties



Eri abakulembeze baffe bonna abe Manchester, n'abantu ba Ssaabasajja bonna mu Bungereza ne Ireland.

Ku lw'abantu ba Ssaabasajja bonna abatuula mu Bbendobendo lyenkulembera, mbalamusa nnyo era mbayozayooza okutuuka ku kkula ery'omukolo guno, ogukwata akati ku kalenda yaffe eya Buganda UK ne Ireland.

Okukola kwamwe obutaweera, bulijjo naffe kwongera okutuwa amaanyi mu kwongera emirimu gyaffe mu maaso, naddala

egyo egiruubirira okukuunga n'okugatta abantu ba Ssaabasajja Kabaka wamu n'emikwano gyabwe. Guno Omukolo ssi gwa kijjulo kyokka, wabula enkuuka eraga okwagala n'obumu obuli mu bantu ba Ssaabasajja Kabaka waffe, abawangaalira mu bizi-inga bino.

Nga bwetujaguza mu nkuuka eno, twagala okubatuusaako ebimu ku byetukola mu bbendobendo lyaffe erya North London & Counties:

1. Okwekulaakulanya mu by'enfuna (Financial Empowerment)
2. Okutambuza eby'obulamu n'embeera ennungi mu bantu (Health and Wellbeing)
3. Eby'engiriza n'enkolagana n'abazadde (Education and Parental Engagement)
4. Emikolo gyaffe egya Buganda (Social Functions)
5. Olulimi n'Obuwangwa bwaffe (Language and Culture)
6. Obufumbo n'enkolagana zaffe ng'abantu (Marriage and Relationships)
7. Obuyambi mu Mirimu (Career Mentorship and Support)

Tusaba bonna abandyagadde okwegatta ku mugendo gwaffe guno bantuukirire.

Wangaala ayi Ssaabasajja Kabaka waffe.

Robert Lwanga Mukiibi

Omukungu Atwala eBbendobendo Iya North London & Counties

Abaami ba Kabaka – North London and Counties Bendobendo Committee

Ekifo	Omukiise
1 1st Omumyuka wa Ssentebe asooka	Abdalah Jjingo Kalungi
2 2nd Omumyuka wa Ssentebe ow'okubiri	Chris Bukenya
3 Omuwandiisi	Florence Nanyonjo
4 Omuwanika	Moses Luzinda
5 Ow'Abaami	Hajji Badiru Yiga
6 Ow'Abakyala n'abaana	Proscovia Namuli Kaggwa
7 Omumyuka w'Abakyala n'abaana	Sylvia Maasombira Bukenya
8 Ow'enkulakulana / Guno na guli.	Daniel Semulimi Kazibwe
9 Okwewummuza, emizannyo, etc	Letitia Namirembe.
10 Omukiise asooka	Ssempiira Kasozi
11 Ow'Omuluka gwa Oxfordshire	Tim Morgan Mugerwa
12 Ow'Omuluka gwa Barnet, Brent, Camden ne Edgware	Daudi Kalanzi
13 Ow'Omuluka gwa Buckinghamshire	Victor Mukasa
14 Ow'Omuluka gwa Berkshire & Wilshire	Martin Pulle
15 Ow'Omuluka gwa Bedfordshire (Luton)	Derrick Mutemanzadde
16 Omuwi w'Amagezi (Advisor)	Dorothy Mukasa

London Boroughs

Barnet
Brent
Camden
City of Westminster
City of London
Ealing
Enfield
Hammersmith and Fulham
Haringey
Harrow
Hillingdon
Hounslow
Islington
Kensington and Chelsea

Shires

Berkshire
Buckinghamshire
Cambridgeshire
Hertfordshire
Oxfordshire

Agafa mu Essaza Iya UK ne Ireland

Agafa mu Bbendobendo Iya East London, Essex ne East Anglia.



Mbatusaako okulamusa okuva mu bantu ba Ssaabasajja abawangaliira mu East London, Essex ne East Anglia.

Omwaka guno olukiiko lwaffe lwasoosowaza okulambula abantu baffe abalwadde, abateesobola, abasibe wamu n’abakade era nga tulambude abantu abawerako mu Bbendobendo lyaffe. Twakizuula nti abantu baffe bangi bwebalwala oba bwebakadi-

wa tebaberako babalambula kale nebabeera mu kiwuubalo ekyamanyi era yensonga lwaki twasalawo okutandiika okubalambula.

Ebbendobendo lyaffe lye ligenda okutegeka Emisinde gy’Okukuza Amazalibwa ga Kabaka (Kabaka Birthday Run) mu mwezi gwa Kafumulampawu (April) 2026 era tukubiriza abantu ba Ssaabasajja mwenna okujjumbira emisinge gino. Ekifo n’olunaku lw’emisinde gino bijja kubategeezebwa amangu ddala. Omwaka ogugya tugenda kusoosowaaza abavubuka n’abaana era buli muntu wa Ssaabasajja awangaalira mu Bbendobendo lyaffe Eat London, Essex ne Anglia asubiire ekipya ekijja nga kigenderedde okubudabuuda families ezirina abaana n’abazukulu mu bbendobendo lyaffe.

Tube baza olw’obuwagizi era tubasaba okututegeeza nga ku bantu baffe abakadiye, abalwadde n’abasibe abali mu Bbendobendo lyaffe tusobole okubalambula.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale.

Omussese Godfrey Kizito Sekisonge
Omumyuka Wo’mubaka Atwala East London, Essex ne East Anglia

EKIFO		OMUKIISE
1	Ssentebe	Godfrey Kizito Sekisonge
2	Omumumyuka wa Ssentebe	Justine Sserwada
3	Omuwanika	Joseph Mary Muwonge
4	Omumyuka w’Omuwanika	Rita Kyambade
5	Ow’Enkulakulana	Peter Ssekabira
6	Omumyuka wa ow’Enkulakulana	Jane Nakaggwa
7	Ow’Abakyala n’Abaana	Cate Mulumba kayiso
8	Omumyuka wa Ow’Abakyala n’Abaana	Sarah Najuuko
9	Owa Pulotoko n’Emikolo	Gidion Kamya Lukoda
10	Omumyuka wa Owa Pulotoko n’Emikolo	Kayiwa Henry
11	Ow’Abaami	Toney Mukiibi
12	Omumyuka wa Ow’Abaami	Mustapha Kazibwe Musoke
13	Omumyuka w’Omuwandiisi	Betina Kasujja
14	Ow’Ebyobulamu	Dr. Wilberforce magala Mubiru
15	Ow’Embeera z’Abantu	Conney kaweesa
16	Omumyuka wa Ow’Embeera z’Abantu	Nalongo Namakula Pharida
17	Ow’Abavubuka	Max Nambi
18	Ow’Ebyemizanyo n’Okwewumuza	Teopista Nakitende
19	Ow’Awamawulire	Charles Mugagga
20	Omumyuka wa Ow’Awamawulire	Joseph Kibuuka
21	Omuyambi kunsonga za BBF	Namwanje Gertrude

Okukuma Obuwangwa n'Enono Mu UK & Ireland



Mu mwezi gwa Mugulansigo (March) 2025 Omuky. Pauline Najjuma owa Rap & Sons abatunda yisuwa y'eby'okuziika ate nga mwami wa Kabaka ow'Enono n'Obuwangwa ku lukiiko lwa South & West England ne Mw. John Harris owa T.Cribbs Funeral Directors e Beckton East London, baategeka omukolo gw'okutongoza olubuga mu UK & Ireland. Oweek. Ssaalongo Geoffery Kibuke yeyali mugenyi omukulu ku mukolo guno.



Ate mu mwezi gwa Ssebo Aseka (June) 2025, bakyaza Omutaka Namwama – Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abataka Abakulu b'Obusolya era Omukulu w'Ekika ky'Ekkobe ne bamulambuza omulimu ogwetendo ogukolebwa mu kukuma ekitibwa kya buganda nga batekateka bana Uganda abafiria mu Bungereza okubaza ku butaka .

Mu kasera kanno, embugo zisangibwa ku T.Cribbs Funeral Directors Victoria House Beckton London E6 5PA, esimu: +447988787389 oba +44207 4901275, email: kate@tcribb.co.uk rapsonsltd@gmail.com.

SOUTH NE WEST ENGLAND



Omumyuuka W'omubaka Janet Nabatta Mukiiibi

Ntuusa okulamusa okuva mu Bbendobendo lya Ssabasajja erya South ne West England lye yasiima mukulemberereko. Mbebaza abantu ba Ssabasajja mwenna abazze ku kyeeggulo n'abaweereza bonna naddala abatuula mu Bbendobendo lino abateeseese obulungi ennyo.

Ntuusa okwebaza eri olukiiko lw'abaami ba Bbeene mu Bbendobendo abakola obutaweera n'okwagala ate n'obumalirivu okutuusa obuweereza ku bantu ba Bbaffe abawangaalira mu Bbendobendo lyaffe.



EMISINDE GY'AMAZALIBWA GA SABASAJJA 2025



Emisinde gy'amazalibwa ga Ssabasajja egyayindira mu Crystal Palace ppaaka gyakulumulula nnamungi w'abantu abasukka 500. Twenyumiriza nnyo mu kutuusa obuweereza ku bantu basabajja.



EMIRUKA N'ABAAMI BAAGYO

Abaami b'emiruka batuulbwa nga 04.05.2025. Emiruka omusanvu egikola e Bbendobendo:

1. Croydon ne Bromley - Richard Nkalubo
2. Southwark ne Lambeth - Esther Kyembe
3. Greenwich ne Bexley - Polycap Kakande Lwabidongo
4. Kingston ne Richmond - Josephine Nabaweesi
5. Sussex ne Surrey - Solomon Mwebya
6. Southampton ne Exeter - Eddie Kimbowa
7. Kent ne Dover - Aaron Mutumba

Buli mwaka abaweereza b'eBbendobendo bewummuzaamu okubeera mu miruka egy'enjawulo; twasokera Kent ne Dover ate omwaka guno twabadde ne sports day gaggadde mu muluka gwa Surrey ne Sussex. Omwaka ogujja tujja kwewummuliza mu muluka gwa Southampton ne Exeter.

OLUKIIKO LW'EBBENDOBBENDO

Mu kifaanyi ku kkono lwe lukiiko lw'abaami b'eBbendobendo. Wamanga, ebimu ku byetutuuseeko bukyu nga balya bwaami, omuli:

1. Okutuusa enkiiko
2. okuteekateeka emisinde gy'amazalibwa ga Ssabasajja
3. Okutuusa ab'emiruka, okukyasoose mu diaspora
4. Omwolesa gw'abavubuka ogw'emirimu egyekikugu
5. olusirika lw'abaami olwabuli mwaka.



OKUTUUZA AB'EMIRUKA



SOUTH NE WEST ENGLAND



Agafa mu Bbendobendo ly'e Scotland



Katikkiro C P Mayiga at reception with Lord Provost in Glasgow 2023

Some of the accomplishments of Scotland Bbendobendo in the past 5 years:

- Registered Buganda Scotland charity.
- Established educational partnership between Glasgow City College and Buganda Education department.
- Established working relationship with Scottish Heritage department to conduct a comparative study of the clan systems between the two nations.
- Hosted Katikkiro C P Mayiga
- Launched Afro-Scotland book - a book about experiences of black people settling in Scotland
- Led on prostate cancer research and awareness project in black men . The project was funded by Sunderland & Glasgow University.
- During Covid-19 epidemic, we were funded by RAP & Sons to distribute Natural Remedies (ginger, onions, lemon,

cayenne pepper , eucalyptus oil and turmeric) in our community.

- Additionally, we made flasks of these ingredients for lone residents. We provided cooked food and raw depending on the state of the recipient. We provided Talking Therapies to those affected with COVID-19. We helped on identifying the dead and repatriated their bodies/remains.

Finally, we fundraised for funeral arrangements and support of family members back in Uganda.

Rebecca Lubega-Bukulu

Omubeezi Atwala e Bbendobendo Iya Scotland



Katikkiro C P Mayiga launched Afro-Scotland book

Olukiiko lwEbbendobendo ly'e Scotland

Ekifo`	Omukiise	Esimu
Ssentebe Omubeezi	Mukungu Rebecca Lubega-Bukulu	07961144791
Omumyuka wa Ssentebe	Edward Mayanja	07891825280
Omuwandiisi	William Musoke	
Omuwanika	Fred Mukisa	07984880742
Ow'Abaami	Francis Kironde	07717374465
Ow'Abakyala n'Abaana	Nnaalongo Rebecca Nansasi	07480869939
Ow'Abavubuka	Edward Mayanja	07891825280
Ow'Obuwangwa n'Ennonno	Mr Stanley and Mrs Lumu	07404 212498
Amyuka Ow'amawulire, Okukunga ne Pulotoko	Francis Kironde	07717374465
Ow'Ebyenkulaakulana, Okubangula n'Amasomo	Mukungu Dr. Rev. TM Kisitu	
Member ku Kakiiko ka eb'Ebyenkulaakulana, Okubangula n'Amasomo	Edward Mayanja	07891825280
Member ku Kakiiko ka eb'Ebyenkulaakulana, Okubangula n'Amasomo	Fred Mukisa	07984880742
Ow'Entambula n'Okwewumuza	Africanos Ssembatya	07859 206590
Ow'Ebyobulamu n'Emizannyo	Jonathan Ssentamu	07572 971795
Akiikilira Buganda Scotland (Charity)	Mukungu Rebecca Lubega-Bukulu	07961144791
Omumyuka w'Akiikilira Buganda Scotland (Charity)	Paddy Leonard Mukasa	07397236246
Ow'Omuluka - Edinburgh, the Lothian and the Borders	Jonathan Ssentamu	07572 971795
Ow'Omuluka - Glasgow 1, Forth Valley, Argyll and Bute		
Ow'Omuluka - Glasgow 2, Lanarkshire and Ayrshire		
Ow'Omuluka - Dundee, Perth, Angus, Fife and Kinross		
Ow'Omuluka - Moray and Grampian		
Ow'Omuluka - Highlands		

Agafa mu Bitongole bya Olukiiko lw’Omubaka wa Kabaka UK ne Ireland

Eggwanika

Dear Members and Friends, I warmly welcome you all to the Buganda Dinner Manchester 2025 and extend my heartfelt appreciation for your active participation in Buganda activities.

As the Gwanika (Treasury), our primary responsibility is to manage and safeguard the finances of the Ssaza (Buganda UK & Ireland region), ensuring transparency and accountability in all our operations. I am pleased to present a summary of the funds received and how they were utilised over the past year.

Since assuming this role, we have successfully organised and participated in several major events; including the Buganda Dinner 2023, Ttabamiruka 2024 (the 1st ever Buganda Convention in Europe) and the Kabaka Birthday Run 2024. The detailed financial reports for these events were published on the Buganda UK website. For your convenience, I have also included a summary of these reports at the bottom of this document.

I take this opportunity to sincerely thank all those who have contributed generously towards our activities. Special appreciation goes to our sponsors and individual donors whose financial and in-kind contributions have been instrumental in making



these functions a success.

It is important to remember that the Kabaka and the Kingdom of Buganda continue to support all people residing within Buganda, regardless of nationality or tribe. For instance, blood collected through Kabaka’s health initiatives benefits everyone in need without discrimination. In this spirit, I appeal to you to continue supporting these noble causes through your contributions to Oluwalo Lwaffe. There are several convenient ways to make a donation or participate in this initiative:

- Visit our website at www.bugandauk.com

- Contact your Bbendobendo leader
- Contribute through your place of worship
- Reach out directly to me or the Omubaka’s Office


Your generosity makes a lasting impact, and we are deeply grateful for your continued support.

Looking ahead, we are excited to announce the upcoming launch of the Buganda Online Shop on our website. This platform will feature Buganda certificates, memorabilia, and other related items. We will also accommodate special orders for products not listed on the site. I encourage everyone to support Buganda by making use of this shop once it is live.

In conclusion, I extend my heartfelt thanks once again for your steadfast support and commitment to Buganda’s development. Together, through unity and continued participation, we can sustain the growth and prosperity of our Kingdom.

Awangaale Ssaabasajja Kabaka

Robert Ssebaggala
(Muwanika - Buganda UK)



Agafa mu Bitongole bya Olukiiko lw'Omubaka wa Kabaka UK ne Ireland

Ekitongole ky'Ensonga z'Abaami

Abasajja Abatuufu, Emboozi Entuufu - Abasajja Abaganda mu Bungereza

Ekitongole ky'abasajja eky' Buganda UK kigatta abakulembeze b'ebitundu (Mabendobendo) n'Akakiiko Akafuzi akakulemberwa Mukungu Ali Buwembo. Omulimu gwabwe kwe kulaba ng'amaloboozi g'abasajja Abaganda mu Bungereza gawulirwa era nga gakolebwako. Nga omwaka 2024 gunaatere okuggwaako, ekitongole kino kyategeka olutuula gaggadde omwali okutendekebwa n'okwebuuzza ku bantu. Kino kyali kisukka ku lukiiko obukiiko — kyali kifo kya abasajja mwe baasobolera okwogera mu lwatu nga tebalina gwe batya era ekyasobozesa abakulembeze okukola ku nsonga z'abasajja nga beesigama ku bwetaavu bwe baalaga.



Embeera y'Obulamu: Okutwala Obuvunaanyizibwa.

Okukubaganya ebirowoozo kwatandika n'embeera y'obulamu. Abasajja bangi abaweebwa ebitanda batera okwewala obulwaliro obusookerwako okutuusa ng'ebizibu bifuuse bya maanyi. Embeera nga kookolo w'akatungulu, ssukaali, puleesa, ne situ leesi byatekebwaako essira. Okutya okwogerwako obubi olw'okuba n'endwadde z'obwongo naky'oggerwako nga ekigaana abantu abamu okunoonya obujanjabi. Abakugu mu by'obulamu, nga bantu baffe, baatendeka abaaliwo ku kwekebejebwa, okubeera abalamu obulungi, n'obutalindiriza ng'omuntu awulidde ekikyamu mu mbeera y'obulamu bwe. "Obulamu bwaffe tebusobola kulinda."

Omulimu N'ekitiibwa

Emirimu gyalina nsonga ndala enkulu. Abaganda bangi, naddala abasajja abakulu, balwana okunoonya emirimu, nga balina obukugu obutabalibwa era nga okuddamu okutendekebwa kizibu. Kino kireesee wo okunyigirizibwa mu by'ensimbi era mu mbeera ezimu, amaka agamu gasaanyee wo. Naye ate essuubi lyalengerwa. Abasajja bakiriziganya nti tulina okukyuka okuva ku banoonya emirimu okudda ku bateekawo emirimu, okugatta ebitone byaffe, okuwagiragana nga tuyita

mu bizinensi n'okuyiira eby'okukola.

Okuggyawo Okusirika

Ekiwubaalo kye kirala eky'enkunala ekyavaayo. Okugattululwa, okwawukana, n'okugugubira ku by'obuwangwa nti "abasajja tebakaba" kulese bangi mu bwannamunigina. Okusobola okukola ku nsonga eno, ekitongole kiteekateeka enkiiko z'abasajja bokka gye basobola okugabana amagezi nga tebaatuukiriziddwa mannya gaabwe, okubudaabudibwa, n'okulung'amizibwa wa gye bayinza okufuna ebibiina ebiyamba abantu. "Okwogera ku kintu gaba maanyi, so si bunafu."

Obulamu bw'amaka mu Nkyukakyuka Ezireetebwa Okubeera ku Mawanga

Okujja ku mawanga kukyusizza obuvunaanyizibwa n'emirimu mu maka. Abasajja bangi beesanze nti kati bagabana emirimu gy'awaka — oluusi ne kireetawo obunkenke mu maka naye ate musobola okuvaamu ekirungi nti bataata beeyongerwa okubeera n'okumanya obulungi abaana baabwe. Bangi kino baakiraba ng'omukisa ogwazimba enkolagana mu ey'amaanyi mu maka. "Obwataata si kubeera wala wabula kubeerawo."

Okuva Ku Kubeera Omulenzi Okutuuka Ku Kubeera Omusajja

Omusomo guno era gwakkaatirizza okubulirira omulembe oguddako:

- Okutendeka abalenzi okufuuka abasajja ab'obuvunaanyizibwa.
- Okusomesa obwesigwa n'okwenyumiriza mu by'obuwangwa.
- Okukuza abaana ab'obulenzi abeenyumiriza mu busika bwabwe ng'Abaganda.
- Okukwasa omulembe oguddako obuvunaanyizibwa bw'obukulembeze.

Ebigenda Okukolebwa

Ekituukiddwaako:

- Okutendekebwa mu kumanyisa abantu ku by'obulamu.

Ebigenda mu maaso:

- Enkiiko z'abasajja bokka.
- Okukebera obukugu mu bitone.
- Abalenzi okubulirirwa abasajja.

Okukung'Abasajja Mwenna

Kino si kwogera bwogezi — mugendo. Ekitongole ky'abasajja kitaddewo olukiiko lw'abasajja bonna Abaganda mu Bungereza. Buli musajja Omuganda ayitibwa okukyegattako, okulung'ama, okuwagira, n'okuzzaamu amaanyi. Nga tusiima Akakiiko Akafuzi n'Abakulembeze b'Amabendobendo, tukakasa nti embeera ze tuyiseemu zivaayo bulungi mu lugero lwa bajjajaffe olugamba nti "Asiika obulamu, tassa mukono". Abasajja abatuufu, emboozi entuufu, ekikolwa ekituufu.

"Abasajja b'Ekibuga - okwegatta ge maanyi, ku lwaffe, ku lw'amaka gaffe ne ku lwa Buganda."

Awangaale Ayi Ssaabasajja Kabaka

Ali Buwembo

Omulimu w'Ensonga za abaami ku Lukiiko lw'Omubaka wa Kabaka mu UK ne Ireland

Agafa mu Bitongole bya Olukiiko lw'Omubaka wa Kabaka UK ne Ireland Ekitongole ky'Okwekulakulaanya

The guiding mission of this Saza is simple yet powerful: unity and development. That is why this department was established.

Our role is to design and launch initiatives that bring people together and drive progress. We create programmes, test them in practice, and then hand them over to the relevant departments for wider implementation.

So far, we have introduced key initiatives such as:

- **Buganda Bereavement Fund**
- **Buganda Twezimbe**
- **Diaspora Gives Back**

You can find full details of these programmes in the relevant sections of this magazine.

And this is only the beginning. More initiatives are on the way, and we invite you to join us, support them, and be part of building a stronger, more united com-



Joana Kitandwe
**Mukungu for Development,
Training & Workshops**



Hope Nakaweesa
**Deputy Mukungu for Development,
Training & Workshops**



Buganda-UK Twezimbe: A Dignified Path to Wealth, Unity, and Legacy

Buganda-UK Twezimbe is a strategic investment initiative designed to empower the Buganda diaspora in the United Kingdom and Republic of Ireland through collective ownership of UK real estate. Led by Omuk. Robert Lwanga Mukiibi, the group embodies the spirit of “twezimbe”—let us build ourselves—by transforming pooled resources into tangible, income-generating assets that serve both personal prosperity and communal legacy.

